Essomo 11

Kayini Muteenenya

Olubereberye 4

Bassebo ne Bannyabo, tubalamusa mu linnya lya Katonda, Twebaza Katonda atusobozesezza okukomawo okubatuusako pulogulamu yammwe emanyiddwa nga *Ekkubo Ery'Obutuukirivu*. Pulogulamu eno eyatekatekebwa Trans World Radio, eva mu kuvvunula pulogulamu eyitibwa **Yoonu Njub** eyategekebwa mu lulimi oluyitibwa olu Wolof ku lw'Abasiraamu b'omu Senegal mu Bugwanjuba bwa Africa. Lino ly'essomo lyaffe ery'ekkumi n'erimu lye tuwadde omutwe ogugamba nti ***Kayini Muteenenya***. Nze Musumba Noah Nsubuga.

Mu pulogulamu yaffe eyayita twayiga ebikwata ku batabani ababiri ab'Adamu ne Kaawa abasooka. Twalaba engeri buli omu gye yali ayagala okusinza Katonda n;okumuwa ssaddaaka. Kayini yawaayo ebibala okuva mu nnimiro ye, kyokka Abiri ye yaleetera Katonda ssaddaaka ey'akaliga akataaliko kamogo. Ebyawandiikibwa bitugamba nti "*Katonda yakkiriza Abiri naye n'agaana Kayini.*"

Katonda yagana ssaddaaka ya Kayini kubanga ekkubo lya Katonda ery'obutuukirivu lyali lyetaaga ssaddaaka ya musaayi. Katonda yakkiriza Abiri ng'omutuukirivu kubanga yakkiriza Ekigambo kya Katonda era n'aleeta ssaddaaka Katonda gye yalagira. Ye Kayini yagezaako okusemberera Katonda ng'akozesa endasi ze, era ekyo ne kimugaanisa.

Olwaleero twagala tufundikire ebikwata ku Kayini ne Abiri. Omanyi ekyatukawo nga Katonda amaze okugaana ssaddaaka ya Kayini? Mu Oluberyeberye 4:5 Ebyawandiikibwa bigamba nti, "*Kayini n'asunguwala nnyo, amaaso ge negoonooneka.*" Lwaki Kayini yasunguwala? Ekyo si kizibu okutegeera.

Katonda yagamba ku Kayini asobole okukebuka nti ebibala by;entuuyo ze bye yali aleese okussaddaaka byali tebirimu kantu mu maaso ga Katonda. Katonda yayagala Kayini yenenye aleete ssaddaaka y'akaliga akataliiko kamogo nga munne Abiri bwe yali akoze. Katonda yagezaako okuzza Kayini mu kkubo ettuufu, ery'okusonyiwa. Kyokka Kayini, mu malala gen'agaana. Mu kifo ky'okwetowaaza yasunguwala busunguwazi.

Kale, tusoma mu Olubereberye 4:6,7 nti, "*Mukama n'agamba Kayini nti Kiki ekikusunguwaza? era kiki ekikwonoonesa amaaso go? Bw'onookolanga obulungi, tokkirizibwenga?Bw'otokola bulungi, ekibi kituula ku luggi: n'okwegomba kwe kunaabanga eri ggwe, naawe onoomufuganga.*" Lwaki Katonda yakiika Kayini obubuuzo buno? Kubanga yali tayagala Kayini kuzikirira. Katonda yali ayagala amulage obulabe bw'**ekibi**.

Ekibi kye ki? Ekibi gwe **mutawana gw'ensi**. Ye mulabe waffe asingayo.Ekibi kiringa omusota, ogujjudde obusagwa. Kiringa olusasi lw'omuliro oluyinza okwokya ekibira ekiramba. Ekibi kitawuliro Setaani ky'ayagala okwokesa ensi yonna. Ekigambo kya Katonda kigamba mu Yakobo 4:17 nti, "*Kale amanya okukola obulungi n'atakola, ky'ekibi eri oyo.*" Ate mu 1 Yokaana 3:4, 8 tusoma nti, "*...ekibi bwe bujeemu…akola ekibi wa Setaani; kubanga okuva olubereberye Setaani akola ebibi.*" Ekibi ge maanyi agatuli mu mubiri agalwanyisa ekituufu n'ekirungi. Ekibi ky'ekintu kyonna ekokontana n'okwagala kwa Katonda. Ekibi kwe kugaana okukkiriza n'okugondera Ekigambo kya Katonda. Okukwata amakubo gange kye kibi *(*Tunulako mu Isaaya 53:6)

Enkomerero ya bannegendera gange, abagaana okukkiriza Katomda n'okumugondera eri etya? Ebyawandiikibwa bitugamba mu 2 Abasessaloniika 1:9 nti, "*Abalibonerezebwa kwe kuzikirira emirembe n'emirembe okuva mu maaso ga Mukama waffe ne mu kitiibwa ky'amaanyi ge.*"Abo abayita abayitira mu kkubo ery'obulokozi Katonda lye yalagira baliweebwa obulamu obutaggwawo. Naye abo abakakanyaza emitima gyabwe eri amazima baliraba obusungu bwa Katonda n'okusalirwa omusango. Kyokka Ebyawandiikibwa bigamba mu 2 Peetero 3:9 nti Katonda tayagala "*muntu yenna kubula, naye bonna batuuke okwenenya.*" **Katonda teyayagala Kayini kuzikiririra mu kibi**. Kye yali ayagala kwekulaba Kayini nga yenenya ave mu kkubo ery'obutali butuukirivu lye yali alonze alonde ekkubo ery'obutuukirivu.

Nga bwe twalaba mu pulogulamu yaffe eyayita, Mukama Katonda yali alangiridde entegeka ey'okusobozesa abonoonyi okufuuka abatuukirivu mu maaso ge. Abiri yakkiriza Katonda kyeyagamba mu Abaruumi 6:23 nti "*Empeera y'ekibi kwe kufa"* ne mu Abaebbulaniya 9:22 nti, "*Awataba kuyiwa musaayi tewabaawo kusonyiyibwa*." Yamanya nti akaliga keyassaddaaka kaali kabonero k'Omulokozi oyo eyali ow'okujja okuwaayo obulamu bwe okusazaamu ebbanja ly'ebibi by'abakkiriza emirembe n'emirembe. Ye Kayini yefuula ng'akkiriza Katonda naye ate ng'ebikolwa bye bikyegaana. Ekitiibwa Kayini kye yawa Katonda kyali kya kumumwa; omutima gwe gwali walala. Teyakkiriza kkubo lya Katonda.

Kati katusome olunyiriri oluddako tulabe Kayini kye yakola nga Katonda amugambyeko olwa ssaddaaka ye etegasa. Mu Olubereberye 4:8 tusoma nti, "*Kayini n'ayogera ne muganda we. Awo bwe baali nga bali mu nnimiro, Kayini n'alyoka agolokokera ku Abiri muganda we n'amutta.*" Kayini teyakkiriza Katonda era teyagezaako n'akamu kwenenya. **Bwatyo ate n'agatta kibi ku kibi bwe yatta Abiri.**

Tekikkirizika! Kayini eyagana okuyiwa omusaayi gw'akaliga Katonda amusonyiwe, kati yayiwa musaayi gwa mugandawe omutuukirivu. Ani yamuteeka ekintu ekyo mu mmeeme? Ani gweyali awuliriza? Ddala Kayini yali awuliriza Setaani. Ebyawandiikibwa bitugamba mu 1 Yokaana 3:12 nti "*Kayini bwe yali ow'omubi n'atta muganda we…*" Twamala okulaba Katonda ng'ayogera ku biti ebibiri eby'abantu mu nsi—aba Katonda n'aba Setaani. Kayini bw'atyo yali wa Setaani.

Kati katuwulirize Katonda kye yagamba Kayini ng'amaze okutta mutoowe. Mu Olubereberye 4:9-12 tusoma nti,

"*Mukama n'agamba Kayini nti Aluwa Abiri wo? N'ayogera nti Simanyi: nze mukuumi wa muganda wange? N'ayogera nti Okoze ki? Eddoboozi ly'omusaayi gwa muganda wo linkaabirira mu nsi, eyasamizza akamwa kayo okuweebwa omusaayi gwa muganda wo mu mukono gwo; bw'onoolimanga ensi, okuva kaakano teekuwenga maanyi gaayo; mu nsi onoobanga mmomboze era omutambuze.*"

Kale bwatyo Katonda yabonereza Kayini bweyagamba nti, "*bw'onoolimanga ensi, okuva kaakano teekuwenga maanyi gaayo.*" Kyokka Katonda teyabonereza Kayini ku musalira musango wazira okumujjukiza eky'okwenenya. Kyokka mu kifo ky'okwenenya Kayini yakuba bukubi Katonda mabega.Tusoma mu Olubereberye 4:16 nti, "*Kayini n'ava mu maaso ga Mukama, n'atuula mu nsi ya Enodi.*" Kale **Katonda si ye yava ku Kayini; Kayini ye yava ku Katonda**.

Ennaku zino abantu abasing obungi bali nga Kayini, bagenze makuobo gaabwe ne baggalawo emitima gyabwe eri Katonda. Mu bigambo bamutendereza naye ng'emitima gyabwe balowooza nti Katonda tamanyika. Kyokka Ebyawandiikibwa bitukakasa nti **Katonda tali wala na muntu yenna** kubanga y'awa buli omu obulamu. Katonda akumanyi bulungi era ayagala naawe omumanye nga munno. (nkusaba ogende obyesomere mu Bikolwa By'Abatume 17:24-31 ne Abaruumi 10:1-13)

Katubuuze: lwaki abantu tebasembera eri Katonda? Ekigambo kya Katonda kigamba mu Yokaana 3:19-20 nti, "*Guno gwe musango kubanga omusana guzze mu nsi, abantu ne baagala enzikiza okukira omusana; kubanga ebikolwa byabwe byali bibi. Kubanga buli muntu yenna akola ebitasaana akyawa omusana, so tajja eri musana, ebikolwa bye bireme okunenyezebwa.*"

Abantu tebamanyi Katonda kubanga okufaanana Kayini **bakubye Ekigambo kya Katonda amabega**. Dawudi, Nnabbi wa Katonda yawandiika mu Zabbuli 119:105 nti. "*Ekigambo kyo ye ttabaaza eri ebigere byange, n'omusana eri ekkubo lyange.*" Kale bw'okuba Ekigambo amabega ojja kusigala mu nzikiza y'ebibi era togenda kumanya Katonda. Kyokka tae Ye Katonda ayagala omanye nti takuli wala, akwagala era ayagala enkolagana ey'okumpi naawe. Era na kati akowoola buli muntu yenenye era akkiririze mu Kigambo kye,

Kankubuuze: Omanyi okwenenya kye kitegeeza? Kitegeeza *kukyusa birowoozo byo n'ebikolwa byo*, Okwenenya kwe kwatula mu maaso ga Katonda nti, "Mukama, nsobezza mu kulowooza ku kkuobo ery'obulokozi lye wateekawo." Okweneenya kwe kukkirizaganya ne Katonda nti tolina ngeri yonna ya kukwejjereeza okujjako okwewaayo mu kkubo ery'obulokozi.

Kale mikwano gyange, nsaba tuleme kuba nga Kayini eyagaanira ddala okwenenya. Lukka 13:3 atugamba nti, "*bwe muteenenya mulizikirira mwenna...*"

Mwebale nnyo okuwuliriza. Katonda bw'anaba ayagadde omulundi ogujja tujja kusoma ku abo abaava mu Admu nga mw'otwalidde ne Nnabbi Enoka.

Mukama abawe omukisa nga bwemulowooza ku lunyiriri luno mu 2 Peetero 3:9 olugamab nti,

Mukama "***agumiikiriza gye muli, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna batuuke ku kwenenya***."

Mubadde muwuliriza Ekkubo Ery'Obutuukirivu pulogulamu eyategekebwa Trans World Radio. Kati bw'oba n'ekibuuzo, oba obujulizi, oba okuwabula oba ekintu ky'oyagala tusabire tuma sms ku nnamba zino +256-704-136199 oba +256-774-895460 oba wandiika ebbaluwa y'empewo (e-mail) ku Email address eno: barua@twr.co.ke Tewerabira okutuwuliriza nate wiiki ejja ku sitenseni y'emu eno.

Nze omusumba Noah Nsubuga. Nsaba Mukama Katonda abakuume.